**“Yesu Kristo jjo ne leero aba omu e'mirembe ne mirembe.”**
Heb. 13:8

# EBBALUWA

**Omwezi ogw'ekkumi nebiri 1985**

Okulamusa okw'enjawulo eri mmwena mu linya ery'omuwendo erya mukama waffe Yesu Kristo. Guno omwaka 1985 gusembereera okugwakko. Awamu tuli basanyufu okuba n'ekitundu buli ku Katonda kyakola mu bwa kabaaka bwe mu kiseera kino. Akola ebisuubizo bye okumanyibwa eri abantu be nga tebinaba kutukkirira. Endagaano empya yatindika n'okumaliriza era n'okutukkiriza obunabbi bwa baibuli. Egenda ku komenkerezza mu ngeri y'emu, nga entegeka ey'obwakantoda ey'obulokoozi n'omuntu emaririzibwa.

Okuyita mu baibuli yonna, tusobola okulondora ebisuubizo n'okutukilira kwabyo. Okukkiriza okutufu kusimbibwa mubyo ne kufuuka okubikulirwa okulamu eri buli muntu kiseekinomu. Eky'okulabirakko ekirungi ennyo ye Ibulayimu, eyakkiriza ekisuubizo kya Katonda era obumanyirivu bwe bumu ne bumubakko. Isaaka teyali njigiriza, teyali kunyonyola, newankubadde nvuunula. Yeeyava mu kisuubizo ekyo! Amiina. Ky'ekimu ekiba ku bonna abaana ba Katonda abatakyuusibwa na kwagala kwa muntu, naye bazaalibwa okuyita mu nsigo ya Katonda ey'ekigambo etaggwawo.

Pawulo awandika mu Bag. 4:28, *“Naye ffe ab'oluganda, tuli baana ba kusuubiza nga Isaaka bwe yali.”* Isaaka yali mwana wa kisuubizo, Yokana omubatiza yali nabbi wa kisuubizo, Yesu yali masiya era omunnunuzi w'ekisuubizo. Nabwekityo ow'oluganda Branham yali nabbi ow'ekisuubizo. Ate kirikitya ffe? Ffe baani? Kikuulu nnyo eri ffe okutegera ekifo kyaffe era tuyitemu butereevu okukungana ne Katonda. Tetulina kusaba kutegera ngeri na kwagala kwa Katonda kwokka, tulina okwetegeka okutambula ne Katonda n'okukoola buli kye yagamba.

Era nate Ibulayimu yali kyakulabirakko kyaffe mu bikwatagaana n'okufuna ekisuubizo, okukkiriza n'okugonda. Yaleka buli kintu okutuka mu kiifo mukama kye yamulaga. Nga teeri muntu amuziyiiza. Nabwekityo bwekiri n'ensigo y'omwoyo eya Ibulayimu mu kisera kino. Tufunye ekigambo eky'ekisuubizo eky'ekisera, tukkiriza era tutambula mu kugondera ekigambo. Ekirubilirwa kya Ibulayimu ekyasembayo yali nsi ensuubize. Kiri nakubera bwekityo eri ffe. Tugenda kulaba ekisuubizo ekisembayo nga kitukirira mu kisera mukama ky'akomawo okututwala

ewaka mu kiffo kyeyatutekeratekera (Yokana 14). Ate era nate eyo tegenda kuba njigiriza oba nvunnula, kijja kuba kya namaddala.

Mu Bag. 3:29 tusoma, *"Era mmwe bwe muli aba Kristo, kale muli zzadde lya Ibulayimu, era muli basika ng'okusuubiza bwe kwali."* Bulijjo waberawo akakwakurizo akakwatagaana ku kisuubizo. Kristo alina okubera mu ffe, kati no naffe tubere mu ye. Era nate eleme kuba njigiriza naye ekya namaddala. Kyilina okutukilira nga bwe kyawandiikibwa mu 1 Yokana. 4:13, *"Ku kino kwe tutegeerera nga tubeera mu ye, naye mu ffe, kubanga ku mwoyo gwe."* okwogera nti *"Kristo ali mu ffe."* tekimala – kirina okuba nga kyekyo. Ekibuuzo ekya namaddala kiri, oba nga ddala Kristo ali mu ffe. Tusobola okwekebera ffe benyini okusinzira ku Yokana, *"Awo Yesu n'agamba Abayudaaya bali abaamukkiriza nti bwe munywerera mu kigambo kyange, nga muli bayigirizwa bange ddala."* Okukkiriza mu kisuubizo ky'ekigambo kituwa omuwatwa ku busika. N'olwekyo tusoma mu Bag. 3:18, "…*Katonda yabuwa Ibulayimu olw'okusuubiza*".

Tulina okutunuliranga ebisuubizo ebyaweebwa era tubitegere mu kutukirira kwabyo. Okujjako singa ekigambo ekisuubize kiba mu ffe, tusobola okuba mu kigambo ekisuubize era ne tufuna obusika. Kyokka kyokka singa okwagala kwa Katonda kuyuwibwa mu mitima gyaffe, okwagala okwo kulirabisibwa. Kyokka kyokka singa tufuna omwoyo omutuukuvu, tusobola okuberakko ebibala eby'omwoyo. Omuti tegumanyibwa nandabika ya wabweru, naye bibala. Tetwetaga kugegenya kwa sayansi, teeri kwefula ffe benyini oba kutufula.

Mu Bag. 4, tusoma ku kusimbibwa mu mwana. Mu lunyiriri 6 lwogera, *"Era kubanga muli baana, Katonda yatuma omwoyo gw'omwana we mu mitima gyaffe … oba ng'oli mwana, era oli musika ku bwa Katonda okuyita mu Kristo."* Obwakabaka bwa Katonda si bya kuwandiika oba byabusomi obwa waggulu ennyo naye mazima ag'obwakatonda. Bwetubera mu bwakabaaka bwe, awo obwakabaaka bwe bubera mu ffe.

Okutegera biki Katonda by'alikola kakano mu bisera eby'enkomeleero, tulina okufumintiriza ku biki byeyakola okuva ku ntandikwa. Buli kintu ekyasibuka naye kitukiridde era kitukulembera okutuzaayo gyali. Enkwatagana yaffe naye eyita mu kigambo era omwoyo wansi w'omusayi ogwayuyika gw'omusayi gw'endagaano empya.

Mukama yatebereeza era n'ayogera okuyita mu bawereeza be, banabbi. N'okutandika kw'endagaano empya, kisuubizo kimu ku kimu byali bigenda bitukilira. Mu Yokana omubatiza n'obuwereeza bwe, okwogera

kw'obunabbi obwa Isaaya. 40:3 ne Mal. 3:1 bwafuka amazima amalamu. Yabulira obwa kabaka bwa Katonda; kisera ky'ekimu yali kitundu ku bwa kabaaka. Mukama yamuwaako obujulizi, *"Amateeka ne banabbi byabawo okutuka ku Yokana; okuva olwo enjiri y'obwakabaaka bwa Katonda ebulirwa, era buli muntu abuyingiramu lwa maanyi."* (Luk. 16:16) Okusingira ddala, olunyiriri luno lukozesebwa okunyomuula obutufu bw'endagaano enkadde. Naye nga tekisanidde kuba bwekityo n'akatono. Ekyawandiikibwa kino kitutegeza nti buli kyasuubizibwa mu endagaano enkadde kyali kitukirizibwa paka ku nukuta mu endagaano empya. Awo mu lunyiriri oludakko tusoma, *"naye kyangu eggulu n'ensi okuggwawo, okusinga ennukuta emu ey'amateeka okuggwawo."* Buli kigambo kya Katonda kitukiridde era kiri n'ekiffo kyakyo. Kyetagisa mu kisera kino okuba n'okwenkanankana. Mu kubulira, ebyawandiikibwa byonna birina okulowoozebwa.

Obuwereeza bwa Yokana Omubatiza tebwetagisa kuvunuula naye bwali bulina okutegerebwa era busimbibwe mu byawandiikibwa. Nga bwekyogeddwa, Yokana teyali kuvunuula, era tewaaliwo njigiriza yamukolwako. Okuyita mu ye, ekigambo ekisuubize eky'essaawa kyafuka ekyanamaddala. Bonna yabakulembera eri endiga ya Katonda. Awo wokka Katonda w'akola okusinzira ku kigambo kye, we waali obwakabaaka bwe. Yokana yabulira mu ddungu; ate ky'ekisera ky'ekimu, natekateka ekkubo lya mukama. Tekyaliwo kuyiita mu maanyi oba kuwaguza naye kuyiita mu mwoyo wa Katonda okwesigama ku nabbi eyalina ekigambo eky'ekisuubizo eky'essaawa. N'akino, tukuba ekirubilirwa ekikulu eky'okubikulirwa kwonna. Tulina okutegera nti byonna byakolebwa okusinzira ku kigambo mu kisera ekyagerebwa.

Bikumi na bikumi eby'emyaka kyali kisuubizo ekyawandiikibwa, awo no kyali kitambula era nga kyayogera, amazima amalamu. Tulina okukimanya nti entegeka ya Katonda etaggwawo era ne kigendererwa birikutukkirizibwa mu bwa kabaka bwe. Ebisuubizo byonna ebikwata ku kujja kwa Kristo okwasooka bya tukkirizibwa paka ku nukuta. Kati ne kakano kirina kuba bw'ekityo nga okujja kwe okw'okubiri tekunaba. Buli kisuubizo ekyatuweebwa tekirina ku kubizaganyakko ndowooza oba kuvunulwa, naye galina okufuka amazima amalamu okuyiita mu kutukkirira. Katonda y'akola bwatyo, tusobole okukebera era n'okukakasa ebintu byonna era tulabe oba nga ebisuubizo n'okutukirira bikaanya. Ne ebintu ebigenda okubawo biteebwa mu ntegeeka..

Mu bubaka, **"Okukolera Katonda omulimu nga si kwagala kwe,"** obwa bulirwa nga 18th omwezi ogw'omusanvu, 1965, ow'oluganda Bran-

ham yawa okulabula mu linya lya Yesu Kristo, **“togaata ko kintu. Totekamu ndowooza zzo mu kyo ... totwala kintu kipya. Biiri kutayaaya buli wantu, era bingi ebisingakko birikujja. Naye totwala bintu bino.”**

Anni awuliriza kino? Bintu bimeeka ebipya ebyaletebwa! Ekintu ekirala bwekitasika, ekintu ekirala kigunjibwa. Naye bwe tuba tuuze eri okuwumula kwaffe mu Katonda, tugenda kulindirira n'okuguminkiriza okutukilira kwa buli kisuubizo Katonda kyeyawa. Akuuma ekigambo kye. Buli amukkiriza, talinakuwazibwa.

Yesu Kristo, mukama waffe ye yali masiya eyasuubizibwa. Mu ye ekigambo kyatekakko omubiri. Obunabbi bwonna, n'obwo obwayogera ku kubonabona n'okufa, okuzukkira n'okugenda mu ggulu kwatukirizibwa. Ng'omununuzi waffe, yali n'okutambula mu ngeri eno, era n'awangula okufa n'egeyena era n'azukkira mu buwanguzi. Abanunule era nabo baliwangula okuyiita mu ye eyakisobozesa eri ffe. Ow'oluganda Branham yagamba, ekigambo eky'essaawa kirikomererwa. kino tekyandibaddewo mu kwogera obwogezi oba mu kuwandiika buwandisi kwokka. Nga erina okuberayo abo ekigambo mwe kirina okufukira ddala ekitufu. Akasigo ak'engano katekwa okufa nga obulamu obupya tebunaba kuvayo. Ensigo ya Katonda eyiita mu mutendera ogw'okufa naye tesigara mu kufa, kubanga akawuuka ak'obulamu kavayo.

Bwetubera mu bwa kabaka bwa Katonda, tetutegeka ntekateka zaffe. Tubera na kuyayaana kumu kwokka: okwezula benyini mu ntegeka ya Katonda. Amaanyi gaffe gonna galikoma. Okusoka tutegere okwagala kwa Katonda okuyita mu kigambo kya Katonda. Awoono tulina okwetekateka okugonda n'okukola nga bwekisana. Mu bya wandikibwa ebituukuvu, buli kintu okutuka ku byasembayo ebikwatagana n'entegeka y'obulokoozi byawebwakko obunnabbi. Mu kisera ekitufu, asindika nabbi okulangirira eri abantu be buli kigenda okubawo (Yer. 1:5, Am. 3:7).

## Tudeyo ku kigambo

N'emitima gyaffe gyonna, tukkirize nti ekigendererwa eky'obuwereeza obwasindikibwa Katonda mu murembe gwaffe kwe kutuzayo ku kigambo ekyanamaddala, nga y'ensigo nakabala yokka.. Omuntu yenna oba ali kubulira oba kuwuliriza, alina okuba omwetefutefu okufuna okubikulirwa, naye kirina okujja nga kiyiita mu kigambo era na mwoyo. Apolo yali n'okumanya ebintu ebikwatagaana n'obuwereeza obwa

Yokana omubatiza, kati awo nasisinkana ne Pulisikira na Akula era yali n'okutegera nnyo **“n'engeri ya Katonda”** (Bik. 18:24-26). Yali aviira mu kibuga ekimanyiddwa ennyo ekya Alikizandariya era yali amaanyi ebyawandiikibwa, naye si byonna. Buli muntu, oba mubulizi oba awuliriza, bwetuba mu bwakabaka bwa Katonda era n'ekyo kyetumanyi nga kitufu, kati awo tuli betefutefu okukulemberwa mu buziba mu kutesa kwa Katonda.

Tutegere nga tuvunanizibwa ku njigiriza ya Katonda yokka, amateeka ga Katonda, ekigambo kya Katonda, entegeka ya Katonda, kkanisa ya Katonda, obwakabaka bwa Katonda era n'ebirala. Mazima tusobola okwatula nti twakulemberwa mu buziba obw'okutegera ekigambo kya Katonda, era ne mu kubikulirwa kwonna okwa Yesu Kristo. Era kyetagisa, nga tusoma baibuli era nga tuwuliriza obubaka, si kulowooza ndowooza zaffe naye tutwale okugolorwa.

Ku nkomelero ey'ekisera ky'ekisa, tulina okudizibwayo mu buumu n'ekigambo kye, eky'eddembe okuva mu bulombolombo n'envunnula zonna. Ebintu ebisembayo biribelawo mu kkanisa ya Katonda omulamu era omugole alirabika. Ku lwe kkanisa ye, asobola okubala byonna ebyasubizibwa eri omugole. Omugole agenda kufuna buli kyonna kye yamutekeratekera. Katonda yeyongera mu nkolagana ettukiridde okuva ku ntandikwa paka ku nkomelero.

Si kyangu okulondora biki ebyaliwo mu mwoyo mu mirembe egy'ekizikiza. Naye okuva mu kisera eky'okwedabuluza, tusobola okulaba butya amazima ga baibuli bwe gakomezebwa limu ku limu. Kiri mu ntegeeka ya Katonda nti ku nkomelero embeera ze zimu entuukuvu ziribelawo mu kkanisa, nga bwe kyali ku ntandika. Tutekwa okukuba ekifananyi ku saasira ezasoka ne mwezi era oba oly'awo n'emyaka ezasoka oluvanyuma olw'olunaku lwa pentikoti. Buli kintu kyali kitufu: embulira, obumanyirivu, obuwereeza, ebirabo; buli kintu kyakolebwa na mwoyo era kyakulemberwa na mwoyo. Embeera eno we wawo yali ya kasera kampi kokka. Ebizibu ne bitandika mango ago. Ebaluwa ezikwatagana ku by'ebimu zikidulirakko.

Ab'oluganda abataweebwa lukusa bagezako okuwamba obuwereeza, era nga babulira ekigambo ekitabudwa n'enjigiriza zabwe ezewunyisa, okusooka mu nkukutu oluvanyuma mu bwaanga. Buli mu ngeri, omulabe yaleta okuyoogaana era nasiga ensigo ye ey'enjawulo. Nga Pawulo akwaata ku bintu ebiimu, yagamba, *“kubanga Katonda si wa kuyoogaana, naye wa mirembe, nga mu kkanisa zonna ez'abatuukuvu”* (1 Cor. 14:33).

Ky'ekimu ekiriwo n'olwalero. Singa tutukuzibwa okuyiita mu mazima, nga kye kigambo kya Katonda ekibikulidwa mu lnaku luno, kati awo tugenda kuba n'emirembe mu mitima gyaffe, mu maaka gaffe era ne mu kkanisa.

Tulina okukkiriza mu ndowooza zaffe, enjogera, era na buli ngeri, eri enkola ya Katonda. Okuyoogaana ebisera ebisinga kuwerekelwa n'ebintu ebitatasanyusa; emirembe gyigenze era okukungaana kumenyese. Obukyayi, obulaabe ne fitina bye bivamu. Mu kuyoogaana okuli nga bwe kutyo, buli muntu ayogera lulimi lwe, teeri ategeera munne; bonna bakkiriza ndowooza zabwe era ne bakkiriza biki ebiri mu kufumintiriza kwabwe si kiki ekyayogerwa oba okutegezebwa n'omuntu omulala. Teeri n'omu afananirizibwa okuba nga aky'abuza mukama yandikooze atya era yandyogedde atya? Bakkiriza ab'emirembe egyedda abakoola ekitufu, lwe lunaku lwe luumu nga enjuba tenaba kugobola, kakaano bayimuka ku makya agadakko nga tebawuliriza bye baali bakooze. Buli omu alowooza okuba omutufu, batono abeetefutefu okugolorwa n'ekigambo n'omwoyo. Bangi abalowooza okumanya kiki abalala byebandikoze oba nedda.

Omwana wa Katonda atekedwa okuba n'amaanyi n'embara za Yesu Kristo, omwana wa Katonda. Singa tujuziibwa omwoyo, tuberakko ebibala eby'omwoyo nga byeleta byenyini. Kati no awo tubere nabiki Pawulo by'agamba eri Abafiripi mu nsula 2: okudizibwamu amaanyi mu Kristo, ddembe mu kwagala, okukungana mu mwoyo, okwagala okw'okusasira n'okulumirwa.

Obuwereeza obw'okutuzaayo bulina okuva mu by'ebimu.

Watekwa okuberawo okweeza obupya, okutukuzibwa n'okujuzibwa n'omwoyo omutuukuvu - obumu wansi wa Kristo, omutwe ogw'abantu bonna abeegase awamu mu mubiri gwe. Obumu obwo guliba mulimu gwa Katonda mu balonde.

Tulina okufuna obubaaka obw'okutuzaayo, naye era twetabe mu kutukirizibwa kwabwo okwa namaddala. Bwetuba nga ffe otwayiitibwa mu kisera kino, tetulikolagana na njigiriza etaalimu, naye mu mazima ag'ekigambo n'okutuzayo ku njiiri enzijuvu ey'obwakabaka bwa Katonda. Era tusubira okukakasibwa kwe kumu ku kigambo ky'ekimu.

Buli omu asindiikibwa ne Katonda, alyogera ekigambo kye era alisobola okwogera nga tabusabusa kiki kye yagamba, *“engigiriza yange si yange nga omuntu, naye y'oyo eyansidika”* (Yokana. 7:16). Buli njigiriza eddayo eri gye yasibukira. Mu njjuyi ez'enjawulo ez'obubaka si kigumu

okunonya ensibuko yabwo. Abasomesa banji abetekawo benyini bavunanizibwa ku kavuuyo akaleetebwa.

Eriyo omuntu yenna alekeddwayo asobola okwogera amazima mu maaso ga Katonda omuyinza w'ebintu byonna, “Enno y'ensomesa entufu ey'abatume!?” Bonna bakyuka okuva ku kigambo ekyanamaddala era ne bagunjawo envunnula okusinzira ku nfumintiriza zabwe? Ensomesa mmekka ezisasanidwa, nga baziraga okuba okubikulirwa okw'enjawulo! Singa enjjigiriza tesangibwa mu bwiino nga ewandikiiddwa mu byawandikibwa, si ya Katonda. Buli agyogerera, teyasindikibwa naye era buli agyikikiriza, alimbidwa. Bulijjo tulina okugezesa buli kintu ekiijja n'ekigambo.

Kyabwerere okulaga nabbi era n'okwogera ku bubaaka era ne tutwala ebintu ebitatukana mu ndowooza zaffe mu kifo eky'okutwala ekigambo kya Katonda. Ow'oluganda Branham yateeka essiira ku bintu ebyetagisa okuninintiza mu kisera kino. Singa ntegezeebwa burungi, yalina emize ebiri gyoka: kwali kuyiiga na kuvuba. Teeri n'omu alowooze nti yakuba ebitongole n'ebibina bya madini lwa kusaga. Okuyita mu mwoyo, ye yakimanya nga ekkubo lye bakutte ligenda ku bakulembera mu kuzikkirira. Teyalina kusalawo, kubanga yali wansi wakutongozebwa kwa Katonda. Teriyo n'omu yandikoze oba kwogera biki bye yakola. Yalondebwa olw'ekigendererwa ekyo. Teyandisayusiza bantu, yalina kusanyusa Katonda (Bag. 1:10). Era yalaga ebyawandikibwa ebya basajja n'abakazi. Kyali kitundu eky'obuwereeza bwe okuzaayo ebintu mu mbeera y'ensibuko. Enkola ya Katonda yali n'okuzimbibwa mu mbeera yonna, kati no Katonda ow'emirembe abeere n'engeri ye mu kkanisa. Nga Pawulo, yalina obuvunanizibwa obwa Katonda era n'ayagara okuleeta omugole nga emberera eri Kristo (2. SBak. 11:1-3).

Tulina okuyita mu mutendera ogw'okutukuzibwa era tubere betefutefu okusimbibwa nga abaana ab'obulenzi n'obuwala mu kwagala okutukiridde okwa Katonda. Abakkiriza abatufu banazibwa na maazi ag'ekigambo, kubanga banunulibwa na musayi ogw'endiga. Teeri kisigala oluvanyuma olw'okunazibwa n'ekigambo ekitukiridde, tewali baala era tewali lufunyiro. Nga kino kimaaaze okuberawo, okuyonjebwa okw'omugole kusobola okutandika. Bangi bageezako okweyambaza n'okunokola kwe be londende, naye tuleke ebiwandiko ebyo eby'okutukuzibwa eby'amakulu ennyo. Oluvanyuma nga tuyimiridde mu kutya Katonda era netuwa ekitibwa eri ekigambo kye, tugenda kulaba ebisuubizo ebisembayo nga bitukirira.

## Okwanjja okw'omwoyo

*"BWATI BWAYOGERA MUKAMA WEGGYE nti emikono gyammwe gibe n'amaanyi, mmwe abawulira mu naaku zino ebigambo bino ebiva mu kamwa ka bannabbi"* (Zek. 8:9). Waalingawo amaanyi mu kutegera era ne mu kukkiriza ekigambo kya Katonda ekisuubize. Danyeri yanonyereza mu byawandikibwa era naasanga obunnabbi obwawebwa Yerimiya. Ako ke kasera ke yantandika okunonyereeza okutukirizibwa kwabwo, era ne kimubikulirwa eri ye. Kakaano tulina okuba n'obumanyirivu mu kitundu ekisembayo eky'entegeka ey'obulokoozi, era tukkirize nti buli mwana wakatonda alina okuba mu kukaanya n'ekigambo kya Katonda. Awatali ekyo tetugenda kumaliriza. Nga bwe tusembedde nnyo okujja okw'okubiri okwa Kristo, Katonda awadde okutangaza buli mu njigiriza ya baibuli n'omutwe gw'omusomo. Ebyama ebyakwekebwa byabikulwa. Twagibwa okuva mu buvuyo era netuletebwa mu kutegera okwagala kwa Katonda eyalagibwa mu kigambo kye. Bonna abogera mu linya lya mukama bagenda ku kikola mu kukaanya kwonna n'obubaka obw'obunnabbi n'ebyawandikibwa.

Okutuka ku nkomelero y'olugendo, omu teyetaga kutandikira wayagalira naye ategezebwa ekkubo. Mu mwoyo, buli omu asubira ekkubo okuba etuufu. Tulina okuba nga tusobola okukakasa kino mu byawandikibwa ebituukuvu. Kubanga y'enkomelero ey'olugendo lwaffe olutaggawo, tulina okwekakasa nga tetusubiriza. Okuyayana okw'obuziba okwa buli mwana wa Katonda kwe kuwereeza mukama era n'okumusanyusa. Okukola kino tulina okusigala mu kigambo kubanga wanno wokka wetubera abayigirizwa abatufu.

Mirundi mingi tutese essiira ku ow'oluganda Branham okuba nabbi ow'ekigambo. Mu bujulizi bwe kisobola okusomebwa kiki kye yagamba bweyatwalibwa okusuuka olutimbe mu kisera eky'obulamu bwe. Yagamba, "nabulira enjiri emu Pawulo gye yabulira era n'embatiza nga Pawulo bwe yakola." Ekibina ekyaali kyambadde ebyeru ne kiwoogana ne doboozi limu, "Tukkiriza ekyo. Tukyesigamyekko." Oluvanyuuma n'awulira ebigambo "Okwagala okutukkiridde kwokka kwe liyingira wano." Okwagala kwa Katonda bulijjo kwe kwagala okw'amazima, era amazima emirembe n'emirembe kye kigambo kya Katonda. Mu kwagala kuno okutukiridde kwokka abantu ab'omubiri gwa Kristo baliba bumu.

Mmatizibwa nti omulimu gwa Katonda, ogwatandika okuyita mu kulondebwa okwa bwa Katonda okw'obuwereeza obw'owoluganda Branham, bugenda kweyongera paka ku nkomelero. Ndaba okuduka nga bi-

genda luyi lumu mu kisera kya Musa ne Yoswa, era ne mu kisera kye tulimu kakaano. Si kyansonga kiki omuntu kye yakola oba kye yagamba, tukiraba mu bwelufu nti obuwereeza bwa Musa bweyongera paka abaana ba Isirayiri bwe bawamba ensi. Yoswa teeyajja na njigiriza oba nvunula mpya, era teyaleta ka ddini ka nabbi – yamaanya ekigambo era n'agenda mu maaso. Yatekebwawo na Katonda era nagamba ba kabonna okutwala essanduku y'endagaano n'ekigambo kya Katonda era ebeere mu maaso g'abantu ba Katonda. Oluvanyuma olw'akasera ak'okulindirira, batuuka mu ensi ensuubize. Ky'ekimu ekiri kuberawo ne kakaano. N'okwekakasa okwo buvumu, nsobola okwogera nti tetugaase kko kintu kyonna ku bubaaka bwa Katonda, tetulina kintu kyetuvunudde naye tutambuza ekigambo kya Katonda eky'olunaku luno. Ku kisera kya Katonda tugenda kulaba ensi ensuubize mu bukakafu nga bweyagamba. Twetaga kuguminkiriza kwokka era tutambule n'okukkiriza ne mukama, awo no tugenda kufuna ekitundu ku byonna byagenda okukola.

## Omurembe guno

Ebisera bigenda mu bwangu. Omwaaka omulala gufuse byafayo. Kati myaka abiiri kasokedde ow'luganda Branham atwalibwa okuba ne mukama ku 24$^{th}$ omwezi gw'ekkumi n'ebiiri,1965. Mu mwezi ogw'okutano 1986, gyigenda kuba myaka anna kasokedde bendera ya Buyuddaya ewanikibwa oluvanyuma olwe myaka 2500. Ku lunaku lwe lumu nga 7$^{th}$ omwezi ogw'okutano 1946, malayika wa mukama yalabikira ow'oluganda era namuwa okutongozebwa okw'enjawulo. Oluvanyuuma olw'ekisera eky'emyaaka ebiiri ogy'okukyusibwa, Isirayiri yalangirirwa nga egwanga ku 14$^{th}$ omwezi ogw'okutano, 1948. okusinzira ku balaba na maaso gaabwe, Abayudaya bali bayimba ku lunaku olwo mu nguudo eze Yerusalemi, “ekitibwa, ekitibwa, halleluya! amazima, n'obutuukirivu bwe bugenda mu maaso gaffe.”

Okufayo kwaffe ye Matayo. 24:34, *“Mazima mbagamba nti emirembe gino tegiriggwaawo, okutuusa ebyo byonna lwe birikolebwa.”* Kubanga olunyiriri luno lwatebwakko essiira okuba entagama ey'ekisera, kyetagisa okuwa okunyonyola okutontono. Ekigambo “murembe” tekikwatagana na banga ya kisera yadde n'akatono. Okusinzira ku “Webster” kidayo ku nddyo era kiva mu kigambo “geniratasi” ekitegeza 'nazaala', 'okuzaalibwa kkwo' era n'ekigambo “ginasi” ekitegeza 'ezzadde', 'oluubu'. Kino kikulu nnyo. Eky'okulabirakko ekikwatibwako kirina okulaga amakulu g'ekigambo kino. Bajajja murembe gumu, abazadde

murembe mulala, abaana babwe murembe gudakko, era abazukkulu gwandibadde murembe gwakuna. Butya emirembe nga gino bwegitafanana mu bisera, tugenda ku kiraga okuva mu kigambo kya Katonda kyenyini.

Mu Matayo. 1:17 tusoma, *"Bwe gityo emirembe gyonna, okuva ku Ibulayimu okutuka ku Dawudi, emirembe kkumi n'ena."* Singa otunulira ku lukalala olw'ebisera, waliwo entagamu ya myaka nga 1000; bwogabizamu n'ekkumi n'ena, ogenda ku myaka nga 70 eri buli murembe. *"awo okuva ku Dawudi okutuka ku bwa Babuloni nate emirembe nga kkumi n'ena"* – naye emyaka nga 400 zokka; bwogabizamu n'ekkumi n'ena ojja ku myaka nga 28. Eky'okusatu, *"Okuva mu kuwambibwakwa Babuloni okutuka ku Kristo"* giiri myaka nga 600; bwogabizaamu n'ekkumi n'ena ofuna myaka 42 egikola omurembe ogumu. Omuntu yenna asobola okukebera ekisera ekyaweebwa eri ebbanga ery'emyaka n'ena okuba omurembe ogumu ku mirembe egyogedwakko.

Olunyiriri luno olumu mu byawandikibwa lulina okutuyigiriza omusomo omukulu ennyo, nti 'omurembe' mu baibuli y'olungereza telwogera ku bbanga lw'obungi bw'emyaka, nga bwe kilabibwa ennyo kakaano. Ekitabo eky'omutendekero y'America ekiwa amakulu g'ebigambo kiraga myaka 30, Germany eyogera myaka 33. Abasomi ba baibuli batwala ekisera eky'emyaaka ana eky'olugendo lw'abaana ba Isirayiri okuyiita mu ddung okuba ebbanga ery'omurembe ogumu. Kityo bwe kyali, naye tekyetagisa nate. Okuva ku Ibulayimu okutuka ku Dawudi omurembe gumu ogwatuka ku myaka 70. Kityo bwe kyaali naye kati tekyetagisa nate. Okuva ku Dawudi okutuka ku kuwambibwa kwa Baboloni murembe gumu gwa myaka 28. kyaali bwekityo, naye kati tekyetagisa nate n'ebirala ebiiri nga bityo. Tikikulu bbanga ya kisera bweeba, ekigambo ekyo kitegeza 'oluubu'. Kirina akakwate ku nddyo. Abaana baffe bakola omurembe ogudakko, era n'abaana baabwe nabo ne bakola omurembe oguudirira ne birara bwebityo.

Mukamu yali ayogera eri Abayudaya, n'abakakasa nti ezzadde lyabwe, abaana baabwe, oluubu lwabwe lugenda kuberawo. Okutulugunizibwa kwonna, yadde midumo gye mundu tebiribamalawo. Kakaano bakomawo mu nsi yabwe, era Katonda agenda kubera n'engeri nabbo okusinzira ku kisuubizo kye. Ekigambo 'murembe' kiri mu baibuli ya lungereeza yokka.. Teeri nakisera kimu wonna wekisangibwa mu lugirimani, lurasiya oba mu ennimi enddala. Enkozesa mu nakku za baibuli teyali na makulu gamu ne leero, nga bwetulabye. Kino kikakasibwa mu Lub. 5:1. Awo tusoma, *"kino kye kitabo eky'okuzaalibwa kwa Adam…"*. Mu

Lub. 6:9 kigamba, *"kuno kwe kuzaala kwa Nuuwa…"* Mu Lub. 11:10 kyogera, *"kuno kwe kuzaala kwa Seemu…"* Mu Lub. 17:7, *"n'eri ezzadde lyo…"* Mu 1Byom. 1:29, *"okwo kwe kuzaalibwa kwabwe…"* Buli omu asobola okusoma mu bifo ebyo nakizula nti engeri eyakozesebwa ku kigambo kino eri mu nkwatagaana na nddyo era si kisera kya myaka ana.

Kubanga ekigambo kino mu Matayo 24:34 kyatebwakko essiira nga ekisera kya myaka ana, abalala batesewo ennaku, nga bakkiriza nti omurembe ogusembayo gwantandika mu mwezi gwakutano '46. Abalala babala kuva mu mwezi gwakutano '48, Isirayiri we yafukira eggwanga. Naye batekako ekya wandiikibwa nti ekisera kirikendezebwa olw'omulonde era n'olwekyo ne batuuka ku kisera ky'ekimu '86/'87.

Nga bwe nakulemberwa okulabula abantu ba Katonda ku myaka 1977 era ne '83/'84, era ndikukikola nate ne kakaano mu linya lya mukama. Nga bwe kyalambikibwa, ekigambo 'omurembe' kirina kusoma 'oluubu' nga bwe kisangibwa mu *nvunuula entufu mu Lamsa*. Ensi eyogeera olungereeza erina okufuna okutangazibwa kuno. Tuli kusuubira okujja okw'okubiri okwa Kristo, okugenda okubawo akaseera konna. Ekisera ky'ekimu teeri muntu kweyiibala kutekawo saalesale oba nankozesa nkyamu eya Matayo 24:34. Ensonga eyo erina okutegelebwa eri bonna ssawa ya kakaano. Tukkiriza, mukama asobola okujja akasera konna. Naye teeri n'omu amaanyi ebbanga ye kisera ekyatekebwawo eri ffe. Singa mba wanno ku nkomeleero y'omwaka1986, nditendereeza mukama era ne muwereeza. Ngenda koola ky'ekimu mu 1987, '88, '89 ne '90 era ne gidakko. Tuwereeze Katonda era tukozese ekisera paka nga mukama akomyewo. Nsubira, abakkiriza ab'obubaaka obw'enkomeleero bwe bandikitegedde nga kyetagisa kitya n'amakulu ag'okulambulura kino bwekuri. Lowooza bwa kubuzibu obwandibadewo, singa omu yandyagade okulangirira ebyawandiikibwa obutaba bitufu, oluvanyuuma olw'ekisera kino eky'emyaka ana nga kiyise, kubanga ekigambo 'murembe' tebakitegera era bakikozesa mu bukyamu.

Omuntu yenna alwanyisa okumanya okurungi kati n'alemera ku mwaka, alivunanizibwa ku lunaku olw'omusango. Abalala oba oly'awo bwebekwata ku ndowooza ey'emyaka ana okuba ekisera ky'omurembe nga eky'enkomeredde kyabwe balina okuva ku byawandiikibwa oluvanyuuma olw'ekisera kino okuyiita. Lwaki tetulekera bisera oyo ataggawo? Ne kakasa nti abaana bakatonda bonna bagenda kuba basiimu olw'endowooza entontono ezilambikidwa wano era bagenda kulowooza ku nsonga eno mu kusaba.

Paka leero, embalirira zonna n'okutekawo ebisera kwali kukyamu, era nabwekityo n'ebigenda okubera mu maaso bwe biribera, nga oteseeko nekyo eky'emyaka ana. Tulina okukitegera nti ndowooza ya basomi si bunnabbi oba njigiriza ya batume. Matayo. 24:34 eyogera ku luubu olw'Abayudaya nga omurembe.

***************

Wakati mu mulimu ogw'okuvunuula n'emirimu emirala mingi kyasooboka eri nze okutambula engendo nyinji omwaka guno. Ekitabo kisobola okuwandiikibwa n'obujulizi biki Katonda byakooze. Oluvanyuuma olw'okuwereeza mu Lebanon, Misiri, Jordan ne Syria mukama anzigulidde enzijji okwetolora olubalama lw'Arabia. Olugendo lwange olwasembayo okuyita mu kitundu ky'olubalama nawulira obujulizi obw'enjawulo obwa kakensa eyagenda mu teleekero ery'ebitabo erya America eriili mu gwanga eno eya basiramu. Ekyamwewunyisa yasanga eyo akatabo kange KKIRIZA BWATI BWA'AYOGERA MUKAMA. Oluvanyuuma olw'okukasoma, yamatizibwa na mazima era nannyaniriza. Wakati mu bantu nga 300, yawa obujulizi obwakola enjawulo ku bantu bonna abawuliriza.

Bwe tukkiriza obubaka buno okuba okuyiitibwa okusembayo, kati no bulina okutuka ku nkomeleero ze ensi olw'omulonde asembayo asobole okubuwulira. Mukama ayiita abantu okuva mu nsi zonna , ennimi n'amawanga. Mu buwombefu bwonna, nsobola okwogera nti mukama ankozeseza, okutambuza obubaaka buno mu nsi zonna oluvanyuuma olw'owoluganda Branham okutwalibwa mu kitiibwa. Njagala okwebaza mmwena omulaaze okwagala kwamwe n'okumbudabuda eri nze bwe nabakyalira mu nsi zamwe. Mu nzijukkire mu kusaba kwamwe nga bwe kyalambikibwa ne Pawulo mu Bar. 15:30.

Okuyiita mu mwaka 1986, mbagaliza emikisa gya Katonda.

Kutongozebwa kwe

Bro. Frank

Published by: E. Frank, P.O Box 905, 4150 Krefeld, West Germany.